# KUR'AANI (QUR'AN) KYE KKI?

Bigambo bya Katonda Qur'an bye bigambo bya Katonda, nannyini buyinza (Allah mu luwarabu), eyassibwa ku nabbi Muhammadi (okusaasira n'emirembe bibeere kuye) nga eyitira ku malayika Jiburiilu,

"Okussibwa kw'ekitabo kino kuva eri Allah, nannyini buyinza," (Our'an 39:1)

### Birunngamya abantu bonna.
Qur'an bwe "bulunngamu eri abantu bonna ....... Era nga kyawula amazima ku bulimba" (Quran 2:185)

### Obubaka obwenkomerero (obwasembayo)
Qur'an bwe bubaka obwasembayo okussibwa okuva eri Allah, nannyini buyinza (katonda), nga bukkaatiriza n'okukakasa ago amazima agaali gakyaliwo mu bitabo ebyagisooka okussibwa, ate nga era etangaaza ebikyamu ebitaalimu mu bitabo ebyasooka nga Enjili, wabula nga byayongerwamu bwongerwa era nga biteekeddwa mu bitabo ebyo ebifulumizibwa ennaku zino nga biggyibwa mu ebyo ebyassibwa; nga Bibiliya (Bible).
"Abange mmwe abaaweebwa ekitabo; mukkirize ehyo ebissidwa nga bikakasa ebyo bye mulina" (Qur'an : 4:47)

# QUR'AN YASSIBWA ETYA

Quran yassibwa eri nabbi Muhammadi (emirembe gibe kuye) era eri mu lulimi lumu lwokka olwo mwe yassibwa, Oluwalabu. Wabula, amakulu n'okuwuunula kwayo kwo kuli mu nnimi ez'enjawulo kati. Qur'an teyassibwa nga kitabo kiramba omulundi gumu, wabula, yassibwa okumala ekiseera kya myaka abiri mw'esatu (23).

Ku lw'ensonga eno, kiba kikulu nnyo okumanya embeera eyalingawo amateeka agenjawulo okussibwa, omuntu olwo asobole okutegeerera ddala ekitabo kino; ewatali ekyo obubaka obukirimu buyinza okutegeerwa mu ngeri ekyamu.

# NTEGEERA NTYA NTI YAVA WA KATONDA?

### Okukuumwa kwayo nga bwe yassibwa.
Qur'an kye kitabo ky'eddini kyokka ekisaasaanyiziddwa ekiseera ekiwanvu, ate ne kisigala nga bwe kyassibwa nga tekikyusiddwaamu n'akatono. Tewali mukyo byali byongeddwaamu wadde okuggyibwamu oba okukyusibwa, kati emyaka 1400 egiyiseewo.
"Mazima, Ffe twassa obubaka buno; era ffe tujja okubu-kuuma (obutakyusibwa kyusibwa)" (Quran 15: 09)

Ekitabo Qur'an tekikomye ku kukuumibwa mu buwandiike bwokka, wabula ekuumiddwa nga ekitibwa ku mwoyo mu basiraamu bangi abagigoberera nga mu bano mulimu abasajja, abakyala, n'abaana abato, olwaleero, obukadde bw'abantu bungi obugilkutte ku mwoyo, lupapula ku lupapula.

### Ebyamagero bya Ssaayansi ebigirimu
Qur'an tekontana na Ssaayansi ky'ayogera, wabula ate ojja kwesanga nga emukakasa bukakasa. Mu Qur'an mulimu ennyiriri nnyingi nga zikakasa wamu n'okunnyonnyolera ddala bulungi ensonga z'obutonde mu misomo nga gino; okutondebwa kw'omuntu, ebifa mu bwengula, entambula y'enjba, omwezi n'emmunyeenye, ebisolo ebitambula, ebifa ku gayanja ageetolodde ensi yonna n'ebimera. Bannassaayansi nabo bakizudde nti ensomesa erirnu ntuufu okuviira ddala ku kyasa eky'omusanvu.
"Tujja kubalaga obubonero bwaffe mu mpuyi z'ensi (ezeewala) ne mubo bennyini, okutuusa Iwe kinaategeerekeka gye bali nti gano ge mazima" (Qur'an 41:53)

Mu butufu byo ebyewunyisa ebya ssaayansi bingi ebyalagibwa mu Qur'an kye bijje bizuuliwe ebisinga obungi olw'okukula kwa ssaayansi n'ebyuma ebikozesebwa mu kunoonyereza ebintu bya ssaayansi. Tunnulira bino wammanga:

- Qur'an ennyonnyola engeri omuntu gy'atondebwamu mu lubuto Iwa nnyina. Bino byali tebimanyiddwa mu bannassaayansi okutuusa jjo ly'ablamu.
- Qur'an egamba nti ebiri mu bwengula (emmunyeenye, ensi endala, emyezi, n'ebirala) byonna byakolebwa mu nfuufu oba tekinnakanyizibwa ssaayansi akwata ku kutondebwa kwa byo
- Ssaayansi yazuula nti waliwo agayanja abiri aganene naye nga wakati waago waliwo ejjiji eritakkiriza mazzi gaago kwetabika sso nga buli liyanja lisigadde ku embeera yalyo ey'obutonde.

Obubonero buno bwa Katonda bwonna bwayogerwa dda mu Qur'an emyaka egisukka mu 1400 egiyise.

### Qur'an terina kigifaanana (ya njawulo)
Okuva Iwe yassibwa, tewali muntu yenna yali asobodde kuleetayo ssuula yonna nga efaanana n'emu kw'ezo ezirimu Qur'an; mu rnakulu, mu bulungi bwayo, olulimi lwayo, entegeka yaayo obutuufu bw'ebigambo byayo n'ebitendo byayo ebirala.
"Singa muba mulina okubuusabuusa mw'ebyo bye twassa ku muweereza waffe (Muhammadi), kale muleeteeyo essuula efaanana nga ezo ezirimu era muleete abajulizi bammwe abatali Allah bwe muba nga mwogera mazima" (Qur'an 2:23)

Abantu abo abaagaana okukkiriza nabbi Muhammadi (emirembe gibe kuye) baalemwa okukola kino, wadde nga baali bakenkufu mu lulimi oluwalabu olwassibwamu Qur'an. Okusomozebwa kuno n'essaawa ya leero kukyaliwo.

### Qur'an tekubagana / teyeewakanya.
Abantu ssinga bawandiika, tekyewalika okukola ensobi mu biwandiiko byabwe gamba; mu mpandiika entuufu, mu makulu agategeezebwa, sso nga ate olumu bassaamu ebitali bituufu, ebirala ne babirekayo ate nga byetaagisa okunnyonnyola, n'ensobi endala. Allah agamba, "Singa ebadde (Qur'an) yava ew'omulala atali Allah, mazirna bbo bandigisanzeemu okukubagana (okukontana) kungi" (Qur'an 4:82)

Yo Qur'an teriimu kukontana wadde n'akatono, kakubeere mu kunnyonnyola kwassaanyansi w'enkuba, okutondebwa kw'omuntu, enkula y'ensi, ebyafaayo ebyedda mu nsi, wadde ebirijja mu maaso.
Muhammadi oba ye yagyewandiikira?
Nabbi Muhammadi (emirembe gibe kuye) yali amanyiddwa nga omuntu "Ataasoma biwandiiko yadde okusoma", anti teyasomesebwa kintu kyonna kyekuusa kw'ebyo ebiri mu kitabo kino olubereberye. Ebyafaayo ebyewuunyisa ebikwata ku bantu abedda, n'ensonga eziraga amagezi ageekikugu ezinnyonnyolwa mu Qur'an biri ku mutindo gwa waggulu nnyo okuyiiyizibwa omuntu yenna kaabe ani "Ekitabo kino (Qur'an) tekisobola kuba nga kiyiiyizibwa omulala yenna atali Allah n'akatono" (Qur'an 10:37)

# EKIGENDERERWA KY'OKUSSIBWA KWA QUR'AN.

### Okukkiriza Katonda omu yekka.
"Ate Katonda wammwe all omu. Teri Katonda mulala atali yye, Omusaasizi, oweekisa ennyo" (Qur'an 2:163)
Omulamwa omukulu ennyo oguyigirizabwa mu Qur'an kwe kukkiriza Katonda Omu yekka. Katonda atutegeeza nti Yye talina amuyambako, talina mwana, talina gwe yenkana naye, era nti tewali n'omu alina kusinzibwa okuggyako yye yekka. Tewali kintu kyonna kimugeraageranyizibwako wadde ekimufaanana. Qur'an era egaana enkola ey'okujweteka ebitendo eby'obuntu ku Katonda, gamba nga okuzaala.

### Okuwakanya ba Katonda ab'obulimba
"Ate musinze Allah era temumugattako ekintu kyonna"
Qur'an 4:36.
Nga bwe kiri nti Allah yekka y'alina okusinzibwa, ebisinzibwa byonna ebirala ebitali yye birina okuwakanyizibwa n'okuvumirirwa. Qur'an era egaana enkoia ey'okuwa ekitonde kyonna ebitendo ebya katonda yekka omu mu bulyazaamanyi.

Qur'an erimu eby'okuyiga bingi mu bigambo byayo; mulimu n'ebyafaayo bya bannabbi abedda nga Adamu, Nuuhu, Ibrahim, Visa Masiya ne Musa. Mu bimu ku bino, Allah agamba; "Mazima mu byafaayo bino, mulimu eky'okuyiga eri abantu abalina amagezi." Qur'an 12:111.

## Okutujjukiza Olunaku Lwe'enkomerero.

Ekitabo kino eky'ekitiibwa kitujjukiza nti buli kintu ekirina obulamu kijja kufa ate kijja kuvunanyizibwa ku bikolwa n'ebigambo byakyo, nga muno mwe muli abantu n'ebitonde ebisigadde.

## Okutuukiriza enneeyisa n'embeera ezeetaagibwa omuntu okuwangaala nazo.

Ogumu ku migaso gyayo, Qur'an, eyigiriza nti ekigendererwa ky'obulamu buno kusinza Katonda, na kuwangaala nga weeyisa mu ngeri eyo gyeyakuteekerawo owangaalemu. Mu busiraamu, okusinza kintu kigazi nga kitwalirarnu ebikolwa byonna n'ebigambo, ebyekyama n'olwatu, nga Allah abisiima era nga abyagala. N'olwekyo, omuntu bw'akola ebyo Allah bye yamulagira, aba amusinzizzza era nga atuukiriza ekigendererwa ky'obulamu bwe.

## Eby'okulabirako bino mu kusinza tubisanga mu Qur'an.

1. Okusaala; "Abange mmwe abakkiriza; mukutame era muvunname wansi (ku byenyi) era Muvunname wansi (ku byenyi) era musinze omulezi waffe mubeere nga mujja Kuwangula" (Qur'an 22:77)

2. Okugaba; "…………..Ate muweeyo, kye kisinga obulungi eri emyoyo gyammwe; era oyo awonyezeddwa okululunkana kw'omwoyo gwe, abo be bajja okuwangula" Qur'an 64:16

3. Ensa; "Gamba abasajja abakkiriza nti bakkakkanye amaaso gaabwe ate bakuume ensa zaabwe. Ate gamba abakyala abakkiriza nti bakuume-ensa zaabwe". (Qur'an 24:30-31)

4. Obuntubulamu; "Temubikka obulimba ku mazima, era temukweka amazima ate nga nammwe mugamanyi" Qur'an 2:42

5. Okwebaza; "Ate Allah yabaggya mu mbuto za ba maama bammwe - nga tewali kye mumanyi, n'abawa okuwulira, okulaba n'emitima (egitegeera) musobole okumwebaza" (Qur'an 16: 78)

6. Obwenkanya; "Abange mwe abakkiriza. muyimirizengawo amazima (n'obumalirivu) nga muii bajulizi kulwa Allah, oba bazadde bammwe, oba ab'oluganda lwammwe, wadde ganyigiriza mugagga oba mwavu……………………….." (Qur'an 4: 135)

7. Obugumiikiriza; "Ate mubenga abagumiikiriza, mazima Allah tabuzaawo mpeera y'abo abakola obulungi" (Qur'an 11: 115).

8. Okukola emirimu emituufu; "Allah yalaganyisa abakkiriza abo nga bakola emirimu emituufu nti bajja kufuna okusonyiyibwa n'empeera ennene ennyo" (Qur'an 5: 9)

## Okuwumbawumba (Conclusion)

Mu kuwumbawumba, Qur'an esomesa abantu bonna engeri y'okusinzaamu Katonda Omu yekka, omutuufu, kisobozese omuntu okutuukiriza ekigendererwa ky'okubeerawo kwe, n'okufuna obuwanguzi, mu nsi eno n'oluvannyuma lwayo. "Mazima, twakussaako ggwe (Muhammadi) ekitabo kulw'abantu kulw'ekigendererwa. Kale oyoyenna anakkiriza obulingamu, kigasa yye yrnnyini; ate oyo yenna anaabula, naye yajja okufiirwa." (Qur'an 39: 41)

Abaffe ggwe tolaba nga kikugwanira naawe okusoma ekitabo kino ekyamagero

www.islamic-invitation.com


AIDA:

africaislamicdaawah@gmail.com

+256702643001 +256701571550

Ahlan:

Ahlan.Explore

info@ahlan-group.com

http://www.ahlan-group.com/


